# Abayizi ba St. Julian basomeseddwa Mwoyo gwa Ggwanga Nabbanja n'abakalaatira

Bya MOSES NYANZI

EBIFAANANYI BYA MOSES NYANZI



Katikkiro Nabbanja ng'alambula ennyiriri z'abayizi abaamalirizza okutendekebwa. Ku kkono emabega ye nnannyini masomero ga St. Julian, Geoffrey Sserunjogi ate owookusatu emabega ku kkono mu yunifoomu eya kiragala ye Hellen Seku.

ABAYIZI b'essomero lya St. Julian Namayina-Jjolwe mu Tawuni Kkanso y'e Kasangati basomeseddwa okwagala eggwanga lyabwe, okulikuuma n'okulitunda nga balaga ebirungi ebyegombesa okulirambula n'okulibeeramu mu nkola ya Mwoyo gwa ggwanga.

Bano baatendekeddwa okumala wiiki ssatu, ng'omukolo gw'okuggalawo okutendekebwa gwakoleddwa Katikkiro wa Uganda, Robinah Nabbanja.

Nabbanja yeebazizza ab'ekitebe kya NRM okutegeka emisomo nga gino mu masomero nti kuba abaana beetaaga nnyo okulaga eggwanga gye livudde, we lituuse ne gye liraga n'asaba omutandisi w'amasomero ga St. Julian okulaba nga basomesa bonna abali ku masomero ge nga babatwala e Kyankwanzi babangulwe.

Omutandisi w'amasomero ga St. Juliana, Geoffrey Sserunjogi yeebazizza Gavumenti olw'okussaawo enkola eno ng'etandikira mu masomero, abayizi okulagibwa eggwanga gye livudde, we lituuse ne gye liraga, okukuuma n'okuwa ekitiibwa ebyo ebituukiddwako n'okulitunda nga balaga ebirungi ebyegombesa okubeera mu Uganda.

Kominsona wa Patriotism okuva mu maka g'Obwapulezidenti, Hellen Seku, yagambye nti enkola eno ekakata ku buli mwana mu siniya ne yeebaza minisita w'ebyenjigiriza, Maama Janet Museveni okukkiriza enkola eno okuba ng'esomesebwa abayizi.



Abayizi nga boolesa obumu ku bukodyo bwe baayize.



Katikkiro Nabbanja ng'akwasa Eve Nakalema ebbaluwa.



Katikkiro Nabbanja ng'aliko by'annyonnyola Sserunjogi. Ku kkono emabega ye Hellen Seku.